IMRANA JALAL
Ssentebe
Akakiiko Akakebezi

26 Ogwomusanvu, 2021
**OKUSABA KWA IPN 21/01**
**EKIRANGO KY'OKUWANDIISA**

**Okusaba Okulambula**

**Uganda: Puloojekiti Eyookubiri ey'Okukulaakulanya Ebyobuzimbi eya Kampala (KIIDP-2) (P133590)**

**Ekifunze**

1. Nga 17 Ogwomukaaga 2021, Akakiiko Akalambuzi ("Akakiiko") kaafuna Okusaba Okw'okulondoola ("Okusaba") Puloojekiti Eyookubiri ey'Okukulaakulanya Ebyobuzimbi eya Kampala (KIIDP-2) ("Puloojekiti") mu Uganda. Okusaba kwaweebwayo Witness Radio Uganda, ekitongole ky'obwannakyewa era ekitalina kyekubiira mu by'obufuzi ekyawandiisibwa okulwanirira okukuuma n'okutumbula eddembe ly'obuntu mu byenkulaakulana, ku lwa bammemba abali mu bitundu 24 ebisangibwa mu kitundu awakolebwa puloojekiti mu Kampala wamu n'ababakiikirira ("Abasabi"). Abasabi basabye Akakiiko okukisa ebiboogerwako era ne bawa Witness Radio Uganda olukusa okubakiikirira ku mitendera gyonna egy'Akakiiko. Abawi b'Amagezi ku by'Embalirira nabo bawagira Okusaba kuno. Akakiiko era kafunye emikono musanvu okuva mu bakulembeze ku bukiiko bw'ebitundu abawagira Okusaba kuno.

2. Abasabi beemulugunya ku ngeri emirimu gye gikoleddwamu ku Mwala Omunene ogwa Lubigi oguvujjirirwa KIIDP-2. Bagamba nti abamu ku batuuze baagobebwa ku ttaka, ate abalala oluvannyuma ne basengulwa mu ngeri ey'okupapirira, okukakibwa n'okutiisibwatiisibwa etaagoberera mitendera mituufu. Abasabi era balina okwemulugunya ku nsonga endala ezeekuusa ku byabatuukako mu Puloojekiti Eyasooka ey'Okukulaakulanya Ebyobuzimbi eya Kampala (KIIDP-1). Okusinziira ku Basabi, abatuuze baali baategeezebbwa nti ensonga zonna ezaali zitakoleddwako zaali za kugonjoolwa mu KIIDP-2, wabula balumiriza nti tekyakolebwa.

3. Akakiiko kaakakasa nti kaafuna Okusaba ku kibanja kyako nga 2 Ogwomusanvu, 2021. Okusinziira ku byava mu kunoonyereza kw'Akakiiko okwasooka n'okukakasa nti Okusaba kutuukiriza obukwakkulizo bw'Akakiiko obukkirizibwa, Nkutegeeza nti nga 26 Ogwomusanvu 2021, nateekamu Okusaba kuno.

**Puloojekiti**

4. Puloojekiti Eyookubiri ey'Okukulaakulanya Ebyobuzimbi eya Kampala (KIIDP- 2) (P133590) yakakasibwa nga 20 Ogwokusatu 2014, nga yenkanankana obukadde $175 (Ebbanja lya IDA). Omwewozi agenda kuleeta obukadde $8.75 era nga tewali basakirizi balala. Puloojekiti esuubirwa okukomekkerezebwa nga 30, Ogwekkuminoogumu, 2021. Puloojekiti ya ttuluba lya B era nga yaviirako enkola z'okwekuuma zino: Okwekebejja Ebyobutonde (OP/BP 4.01); Ebitonde Ebibeeramu (OP/BP 4.04); Ebintu by'Ebyobuwangwa Ebirimu (OP/BP 4.11); n'Okusengulwa Okutali Kweyagalire (OP/BP 4.12). Puloojekiti yali emaze okuteekebwamu ssente ebitundu 79.45

Okusaba we kwafunirwa.

5. Ekigendererwa kya Puloojekiti y'Enkulaakulana (PDO) kwe "*kutumbula ebyobuzimbi n'obusobozi bw'ekitongole kya [[Kampala Capital City Authority] okulongoosa entambula mu kibuga Kampala."*[1] Puloojekiti erimu ebitundu bibiri: Ekitundu 1 – Okugaziya Enguudo mu Kibuga n'Ebyokusaasaanyizaako Ensimbi Ebikyekuusaako (obukadde bwa US$165); n'Ekitundu 2 – Okuwagira Okukulaakulanya Enkola z'Ekitongole (obukadde bwa US$10). Okusaba kwekuusa ku Kitundu 1.

6. Okusinziira ku Kiwandiiko ky'Okwekebejja Puloojekiti (PAD), Ekitundu 1 ekya KIIDP-2 kiriko olukalala olulaga puloojekiti eziri mu kitundu kino omuli okubaga, okuzimba n'okulabirira emirimu egy'enjawulo, omuli okuteeka obubonero mu masaŋŋanzira g'enguudo, okuzimba ekifo ew'okuddukanyiza entambula y'ebidduka, okugaziya enguudo eziweza kiromita 17.3 zibeere nga zitwala emmotoka bbiribbiri, okuddamu okuzimba enguudo eziweza kiromita 31.9, okulongoosa enguudo mwasanjala eziweza kiromita 36 n'okulongoosa emyala eminene. Ekiwandiiko ky'Okwekebejja Puloojekiti kinnyonnyola nti okulonda puloojekiti entonotono ez'okukolako ku ezo eziri ku lukalala kwa kusalibwawo mu maaso nga kusinziira ku ssente eziriwo n'embalirira y'ensaasaanya ku kubaga enfaanana y'enguudo, n'okweroboza.[2] Akakiiko kaakitegeera nti okuddaabiriza Omwala Omunene ogwa Lubigi kwe kwalondebwako okukolebwa mu Kitundu 1.

**Okusaba**

7. Abasabi beemulugunya ku ngeri emirimu gye gyakolebwamu ku Mwala gwa Lubigi Omunene era bagamba nti abatuuze baabwe tebaabayingiza mu nteekateeka ya Puloojekiti ey'okubasengula n'okubaliyira. Bannyonnyola nti, olw'okuba nti waaliwo okukendeeza mu kulabirira emirimu okuva mu Bbanka y'Ensi Yonna mu kiseera ky'omuggalo ogwa COVID-19, waaliwo okugezaako okugoba Abantu Abaakosebwa Puloojeki ku ttaka n'eryanyi (PAPs) nga tebaliyiriddwa, ekintu ekimenya enkola za Bbanka ezeekuusa ku kukuuma abantu n'ebintu. Okusinziira ku Kusaba, oluvannyuma lw'abawolereza abantu abaakosebwa puloojekiti n'ab'akakiiko k'ekyalo okubiyingiramu, Abasabi baabayitirayitiramu mu nkola y'okubasengula ekintu ekitaagoberera nkola nnambulukufu. Era bagamba nti enkola y'okubasengula eno yalimu okutiisibwatiisibwa n'okukakibwa. Abasabi bannyonnyola nti beetegefu okusenguka naye beetaaga okuliyirirwa okw'obwenkanya era okumala obulungi n'okuyambibwako mu kusenguka basobole okwebeezaawo.

8. Abasabi era balina okwemulugunya kungi ku ngeri gye baakosebwamu KIIDP-1 eyaggwa mu Gwekkuminebiri 2013. Muno mulimu okusaanyaawo ebizimbe n'ebirime ebyatwalibwa ku mpaka, amataba okweyongera, n'ensonga z'ebyobulamu n'ebyokwerinda. Okusinziira ku Basabi, abatuuze baali baategeezebbwa nti ensonga zonna ezaali zitakoleddwako zaali za kugonjoolwa mu KIIDP-2, wabula balumiriza nti tekyakolebwa. Okusaba kunnyonnyola engeri nnyingi ez'okukosebwa okwabatuukako wamu n'okusuubirwa – omuli okubundabunda, okufiirwa n'okutaataganya amagumba g'abafu omuli okusaanyaawo ebiggya, obulabe bw'okubulwa emmere, okweyongera kw'abaana abava mu masomero, n'okukosa ebyokwerinda n'embeera z'abaana, n'abakazi. Abasabi era bagamba nti tebaaweebwa bubaka bumala ku byali bikolebwa, tewaaliwo kwebuuzibwako kutegeerekeka wadde okwetaba mu kwebuuzibwako wamu n'okulemererwa okuteekawo enkola ennuŋŋamu ey'okukola ku kwemulugunya. Okusaba kulimu okusaba kw'abatuuze okw'enjawulo okuluubirira okugonjoola ensonga ezinnyonnyoddwa

[1] Ekiwandiiko ky'Okwekebejja Puloojekiti (PAD), omuko. ii.
[2] Laba PAD, emiko. 37-38 n'Ekikookero 2.

waggulu.

**Okunoonyereza Okwasooka**

9. Akakiiko bwe kaafuna Okusaba, Kaakola okunoonyereza kwako okwasooka ne kakakasa nti Okusaba kutuukiriza ebisaanyizo by'okukuwandiika. Okusaba si kwa muzannyo, si kwa kisiru oba kiro kitwala omunaku, era kwaweebwayo Witness Radio Uganda ku lw'abatuuze 24 n'abakiise baabwe ababeera mu kifo awali puloojekiti mu Kampala, abagamba nti baakosebwa Omwala Omunene ogwa Lubigi oguvujjirirwa KIIDP-2. Akakiiko kaafuna okuwuliziganya okwaliwo wakati w'abakiise b'Abasabi ne Bbanka era ne bakimanya nti baali basisinkanye ku nsonga zino. Noolwekyo Akakiiko kamativu nti ensonga zaategeezebwa Bbanka nga tebannawaayo Kusaba kwa Kulambula. Akakiiko era kaakakasa nti ensonga enkulu ey'Okusaba tekwata ku nsonga za kugula bikozesebwa, ate mu kiseera Okusaba we baakufunira, Puloojekiti yali eweereddwa ssente ebitundu 79.45 ku kikumi era nga n'ebbanga ly'okugimaliriza lyali lya nga 30 Ogwekkuminoogumu 2021. Akakiiko tekawangako ndowooza yaako ku nsonga ezireeteddwa mu Kusaba kuno.

10. Mu kwekebejja Okusaba, Akakiiko kaayogera n'Abasabi wamu n'ababakiikirira nga 1 Ogwomusanvu, 2021, okwongera okutegeera okwemulugunya kwabwe, okwongera okutangaalirwa ensonga wamu n'okubategeeza ku nkola y'Akakiiko n'Obuyinza bwako. Ng'emu ku nkola yaako ey'okunoonyereza, Akakiiko era kaayogera n'Abakulira Bbanka nga 22 Ogwomusanvu, 2021. Abakulu bannyonnyola nti tewali kusengulwa ku ttaka kwakolebwa ng'ekitundu kya Puloojekiti eno. Okusinziira ku Bakulu, oluvannyuma lw'okumanya nti abantu baali baweereddwa ebibaluwa eby'okubagoba ku ttaka okumpi n'Omwala Omunene ogwa Lubigi ku nsonga ezaali zitakwatagana na Puloojekiti, baasaba gavumenti okuyimiriza okusengula abantu. Abakulu era bannyonnyola nti, nga beetegekera puloojekiti, ekifo ekyogerwako lwali lutobazi nga temubeeramu bantu era nti abantu bajja mu kitundu oluvannyulwa lw'ennaku z'omwezi ez'okusengula abantu okuyitako ne batandika okuzimbako wamu n'okulimira ku ttaka. Okusinziira ku Bakulu, Enteekateeka Endala ey'Okusengula Abantu abo etegekeddwa era ekolebwako. Abakulu era bannyonnyola Akakiiko ku mirimu gyabwe egy'okulabirira puloojekiti mu mwaka oguwedde.

**Okuwandiisa Okusaba**

11. Nga bwe kirambikiddwa mu kiba ekya 18 eky'Ekiteeso ky'Akakiiko ("Ekiteeso"), "Ssentebe *w'Akakiiko ajja kutegeeza Abakulu mu Bbanka wamu n'Omukulembeze wa Bbanka amangu ddala ng'afunye okusaba kw'okulambula*."[3] Nga mpita mu kimanyiso kino, Nkutegeeza nti nga 26 Ogwomusanvu 2021, mpandiisizza Okusaba okulagiddwa waggulu.

12. Okuwandiika kw'Akakiiko tekulina ngeri yonna gye kutegeeza kulamula kwako ku bikwatagana ku birungi ebiri mu Kusaba kw'Okulambula. Nga bwe kiragiddwa mu kiba ekya 19 eky'Ekiteeso[4], Abakulu ba Bbanka bateekwa okuwa Akakiiko okwanukula kwabwe eri Okusaba

[3] Akakiiko Akakebera aka Bbanka y'Ensi Yonna, Ekiteeso Nnamba IBRD 2020-0004 ne Ekiteeso Nnamba IDA 2020-0003, ekya nga 8 Ogwomwenda, 2020, ekiba. 18.
https://www.inspectionpanel.org/sites/www.inspectionpanel.org/files/documents/InspectionPanelResolution.pdf

[4] Akakiiko Akakebera aka Bbanka y'Ensi Yonna, Ekiteeso Nnamba IBRD 2020-0004 ne Ekiteeso Nnamba IDA 2020-0003, ekya nga 8 Ogwomwenda, 2020, ekiba. 19.

Okulambula mu nnaku z'okukola 21. Ensonga Abakulu gye balina okukolako mu kwanukula eri Okusaba eragiddwa mu kiba ekya 20 eky'Ekiteeso.

13. Akakiiko bwe kanaafuna Okwanukula kw'Abakulu, kajja "*kusalawo oba okusaba kutuufu okusinziira ku kiba eky'e 13 okutuuka ku 15 (…) olwo kawe endowooza yaako eri Abakulu ba Bbanka oba nga ensonga yeetaaga okunoonyerezebwako*." [5] Okusaba kuno kuweereddwa Ennamba y'Okusaba IPN 21/01.
Ffe Ababo ddala,

Imrana Jalal
Ssentebe

Ebikookero

Mw. David Malpas, Pulezidenti wa
Ekibiina ky'Ensi Yonna eky'Ebyenkulaakulana (International Development Association)

Abakulu ba Bbanka n'Abasigire
Ekibiina ky'Ensi Yonna eky'Ebyenkulaakulana (International Development Association)

Witness Radio Uganda

Abawi b'Amagezi ku by'Embalirira

Abasabi (kya kyama)

---

https://www.inspectionpanel.org/sites/www.inspectionpanel.org/files/documents/InspectionPanelResolution.pdf

[5] Akakiiko Akakebera aka Bbanka y'Ensi Yonna, Ekiteeso Nnamba IBRD 2020-0004 ne Ekiteeso Nnamba IDA 2020-0003, ekya nga 8 Ogwomwenda, 2020, ekiba. 22.
https://www.inspectionpanel.org/sites/www.inspectionpanel.org/files/documents/InspectionPanelResolution.pdf